


Scan to Register

**ERINNYA:** 'Buganda Yiyo Buganda Yange' twaliggya mu kukkiriza nti ffenna abeegattira mu kibiina kino tulina obuvunanyizibwa bwa kyenkanyi eri Buganda. Era okusobola okukiwulira buli bw'oyogera erinnya ly'ekibiina kino *BUGANDA YIYO BUGANDA YANGE.*

**ENTANDIKWA:** Nga 30/05/2021 Ssaabasajja Kabaka bwe yasiima okwogerako mu lukuŋŋaana lwa Buganda Bumu North American Convention. Yategeeza abantu ba Buganda nti "….. Abalabe ba Buganda bangi beeyambisizza nnyo emitimbagano okutyobola ekitiibwa kya Buganda…." Nnyinimu yalagira abantu be ffena okuvayo okukozesa emitimbagano okusaabulula obulimba bwa balabe ba Buganda. Oluvanyuma lw'ekiragiro kya Kabaka, abantu be abakozesa emitimbagano twasitukiramu okuteeka ekiragiro kino munkola. Wabula wakati mu lugendo luno twakizuula nti waliwo obwetaavu okutondawo obwegassi okusobola okubeera n'eddoboozi limu nga twaŋŋanga abalabe wamu n'okusitula okwolesebwa kwa Buganda. Wano twatandikawo olukiiko ku X/Twitter n'ekigendererwa eky'okutondawo obumu mu ffe nga bwe tuteeka munkola ekiragiro kya Ssaabasajja Kabaka.

**OKWOLESEBWA:** Okukoze Tekinologiya mu mulembe guno omujja nga tulubirira okukuuma obutiribiri ekitiibwa ky'Obwakabaka bwaffe okuva eri okusomozebwa okwenjawulo okutambulira ku Tekinologiya.

**EKIRUBIRIRWA:** Okusaabulula obulimba bw'abalabe ba Buganda obugenderera okunafuya Obwakabaka bwa Buganda mukaweefube w'okulaba nga tunyweeza Ensonga Ssemasonga Ettaano eza Buganda.

**EBITUNUULIDDWA MU KIBIINA KYA BUGANDA YIYO, BUGANDA YANGE (BYBY).**

Ekibiina kino okusobola okutuukiriza okwolesebwa wamu n'ekkatala lyakyo okuweereza Buganda bino byebimu ku bitunuuliddwa okukolebwa;

1. Okukebera n'okuzuula obubaka obukyamu. Okutondawo enkola etambulira mu kiseera kyennyini mu kukebera, okuzuula n'okugoberera obulimba obwogerwa ku Buganda obutambuzibwa ku mitimbagano.
2. Okuzimba n'okulabirira emikutu emitongole mu kuweereza egy'esigika buli kiseera egy'amazima era egitambuliribwaako obubaka obukakasiddwa.
3. Okutondawo obubaka obw'omuzinzi nga busimbye amakanda mu buwangwa obusomesa abantu bonna ebikwata ku Byafaayo, Empisa n'okwolesebwa kwa Buganda okukwaŋŋanga obulimba embagirawo.
4. Okuggyayo n'okuteeka mu nkola enteekateeka ezoogera era ezisambajja obulimba bwennyini, nga tukoseza amazima, obujulizi wamu n'obubaka mu butambi ne mu bifaananyi ebisimbuliziddwa mu maloboozi g'abakulu mu Bwakabaka.
5. Okuzuula, okutendeka n'okuwa amaanyi ekibinja ky'abantu abawulize era abamanyi okukunga nga bakoseza omutimbagano okusemba n'okutambuza obutambi obutuufu obuddamu ku bubaka obw'obulimba mungeri ey'ekitiibwa wabula era mungeri ennungi.
6. Okukolera awamu n'obukulembeze bw'Obwakabaka, obukulembeze bwe Nnono, ebitongole ebiyigiriza, n'emikutu gy'amawulire ginnamikago okukakasa nga tuweereza obubaka obwa buli kiseera n'okusaasaanya amawulire mu bunenne era agakakasiddwa.
7. Okwetaba obutereevu mu kulwaniirira ekifaananyi kya Ssaabasajja Kabaka n'ebitongole eby'omuzinzi okuva eri okulumbibwa kwo ku mutimbagano okuyita mu mateeka, mu buwangwa wamu n'enkola ez'olukale.
8. Bulijjo okubalirira obulungi eby'empuliziganya n'obukoddyo obw'okukozesa mu kwekkennenya endowooza n'okufuna enkola (enaatunuulira ku kutiisibwatiisibwa okuvaayo n'okuddamu kw'abantu.
9. Okuteekateeka (ba mmemba n'obukodyo, amagezi wamu n'enkola ez'obuwangwa n'ennono ezeetagibwa okukiikirira Obwakabaka n'obuvumu wamu n'obusobozi okuyita mu kutendekebwa okwabuli kiseera mu by'empuliziganya, obumanyi bw'omutimbagano, enkolagana n'abantu abalala, okulowooza okwebuziba n'obuwanga n'ennono.

## EBIMU KU BYETUKOZE MUBIFAANANYI:

### 2022-2023

**Ekibiina kyatandikira mu kiseera eky'okusoomozebwa nga obwaKabaka bulumbiddwa ku mikutu n'emitimbagano abalabe baabwo. Era amamayi gaffe omwaaka ogwasookamtwagateeka nnyo mu kukuuma, okutraasa n'okunyweeza Nnamulondo ku mitimbagano. Nga tuteeka munkola ekiragiro kya Ssaabasajja Kabaka kyeyatuwa. Omulimu twaagukola bulungi mukiseera ekyo.**

### OKUJAGUZA OLUNAKU LWA BYBY@1. 1st-Oct-2023

Twajaguza omulindi gwaffe ogwasookera ddala olunaku lwa BYBY@1 nga tuweza omuwaka mulamba. Mukujaguza kuno twalambula olubiri lwa Kabaka e Mengo.





**OLUWALO 27th-8/2024**

Twakulembera abantu ba Beene abakozesa emitimbagano okutwaala oluwalo e mbuga olwawerera ddala 2,070,000/=. Katikkiro wa Buganda yeyatutikkula.






**OKUJAGUZA OLUNAKU LWA BYBY@2. 2024**

Nga 6 Oct 2024. Twajaguza emyaka 2 nga tuweereza Obuganda okuyita mukibiina kino. Mukujaguza twatandika na kulambula amasiro ge Kasubi. Oluvannyuma twafuna olukiiko.





## OLUNAKU LWA BAVUBUKA MU BUGANDA 16th-11-2024

Ekibiina kyetaba butereevu munteekateeka eno era Omumyuka wa Ssentebe wa BYBY Omukungu Nsubuga Najib yeyali ssentebe w'enteekateeka eno.





## OLUKIIKO LWA EXECUTIVE OLWASOOKA 2024


Nga 14 Ntenvu. Ekibiina kyatuuza olukiiko lwa executive ya BYBY e Bulange Mengo.



## OKUBAGA WORK PLAN Y'OMWAKA 2025

Ssentebe Mw. Munaawa Dan wamu n'owa pulojekiti Mw. Twagala Sekitoleko nga bali mu lukiiko olwabaga enteekateeka y'omwaka 2025.





## OKUTUNDA EMIJOOZI GYA KABAKA BIRTHDAY RUN 2025

Mu March twatandika ku kutunda emijoozi gya Kabaka Birthday Run; okuyita mu nteekateeka eno twasobola okutunda emijoozi gya bukadde 5,040,000/= nga tuyita ku mitimbagano. Era mukutunda Emijoozi twetaba buterevu mu mwoleso gwa UOX ogwaliwo nga 29 March 2025.





## OKULAMBULA SSEZZIBWA FALLS $17^{th}$-5-2025

Nga 17 May 2025 twakulembera abantu ba Buganda okugenda okulambula Ssezzibwa Falls, wano abantu abasoba mu 40 bebatambula naffe mukulambula kuno. Kuno kwakulemberwamu ekitongole ky'Obuwangwa, eNnono n'Obulambuzi mu kibiina. Ensimbi ezavaamu zawagira ku kusoma kwa omwana wa omugenzi SADI SHORTS nga zakwasibwa Mw. Twikiriza Gedion.









## OKUBAGA SSEMATEEKA WA BYBY

Nga 12 June 2025 akakiiko akakulembera okubaga Ssemateeka wa BYBY katuuza olukiiko lwako ku BHTB. Munaawa Dan, Kalema Abubaker.K, Twagala Sekitoleko, Namulwana Hilda.




## ENSISINKANO N'OMUWABUZI WA BYBY

Nga 14 akiiko akakulembera okubaga Ssemateeka kaafuna ensisinkano ey'enjawulo n'Omuwabuzi wa BYBY Mw. Simon Ssenkaayi.




## OKUTONGOZA LUWALO LWAFFE 2025

Nga 20 June 2025 twatongoza #BYBYLuwaloLwaffe.




## ENSISINKANO NE MINISITA W'AMAWULIRE MU BUGANDA

Nga 24 June 2025 olukiiko olukulembeze lwafuna ensisinkano ne Minisita w'Amawulire, Okukunga era Omwogezi w'Obwakabaka Owekitiibwa Isreal Kazibwe Kitooke okumwanjulira ekibiina kya BYBY mubutongole.





## OBUBAKA OBUYOZAAYOZA KABAKA KU MAZAALIBWA

Ssentebe Mw. Munaawa Dan ne Omuwandiisi Omul. Kalema Abubaker baakola akatambi akayozaayoza Beene okutuuka ku mazaalibwage aga 70.





## KUKYAALIRA POOKINO MU SSAZA BUDDU

Nga 4 Aug 2025 twakyalira Omwami w'Essaza Buddu Ppookino wamu ne ssomero lya Ppookino Nursery School. Nga bakulemberwamu ekitongole kya Pulojekiti, Enteekateeka n'Enkulakulana.





**OMUSOMO KU BUWANGWA**

Nga 9 Aug 2025 twafuna omusomo ku buwangwa, ennono n'ebyafaayo bya Buganda nga guno gwatuweebwa omuwabuzi wa BYBY Mw. Simon Ssenkaayi ku BHTB.




**OLUWALO LWA 2025**

Nga 26 Aug ekibiina kyakiika embuga n'oluwalo lwa bukadde 3,000,000/= bbe ddu.




# ABAVUJJIRIZI BA BYBY@3 -2025

Ganda Media Agency, we create content for all audiences, across every genre and format in a Native Perspective. Your support keeps us 100% independent and lighting back against relentless assault on our nativity. +256754425528, info@gandamediatv.com.

Tukola Paper Bags ez'ekikula kyonna empandiikeko n'ezitali mpandiikeko; Eza Restaurant, amalwaliro n'amasomero ku bbeeyi layisi ddala mu Uganda yonna. Tufune ku namba y'essimu wammanga; +256780117640, +256756818021.


Tribe56 Cultural Expedition is a Story collective celebrating Uganda's 56 plus tribes through tourism, conservation, heritage and cultural expeditions that take people deep into communities. Every journey and story we tell connects people, culture and nature that reveal Uganda's living beauty to the world. +256750600545.

Pearl Bites & Cakes is headquartered along Lukuli Road in Makindye, Kampala. While we have experience in the overall food bakery and distribution industry; we focus primarily on baking traditional premium "handmade" breads, pastries and desserts perfect for any celebration. WhatsApp +256708684141.

We bring dependable, high-quality household goods, clothing, gadgets and footwear— sourced from the UK and EU—to East Africa, so families stop replacing things and start investing in what lasts.

• We curate — only those products that can survive real homes, • We source from UK/EU brands known for durability, • We price on lifetime value — yes, the upfront cost is a bit higher, but when your product lasts years, not months, you spend less overall, • We operate transparently — no hidden fees, no surprises In short: Buy once. Buy right. +256742114191 www.koopser.com

**Buganda Heritage and Tourism Board**



## BUGANDA YIYO BUGANDA YANGE

**OSOBOLA OKUTUGOBERERA KU MIKUTU GYINO;**

**X/tweeter** = @bugandyiyoyange

**TikTok** = Buganda Yiyo Buganda Yange

**YouTube** = Buganda Yiyo Buganda Yange

**LinkedIn** = Buganda Yiyo Buganda Yange

**Facebook** = Buganda Yiyo Buganda Yange

**Website** = www.bugandayiyoyange.org

**BIKUηANYIZIDDWA E GGWANDIISIZO**
**#Kalema Abubaker.K, Omuwandiisi BYBY**